



جنات کا بادشاہ (Luganda)

# KABAKA W' AMAJINNI

(with some Marvels of Ghaus-e-Azam <sup>رحمۃ اللہ  
تعالیٰ علیہ</sup>)



Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila

**Muhammad Ilyas**  
Attar Qadiri Razavi <sup>کامش برچہائیم  
المتک اللہ</sup>



جِنّات کے بادشاہ

Jinnat ka Badshah

# KABAKA W'AMAJINNI

Akatabo kano kawandikibwa Shaykh-e-Tariqat Amīr-e-Ahl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami 'Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَاعِيَةُ بَرَكَاتِهِمُ الْعَالِيَةِ mu lulimu olu Urdu. Majlis y'okuvvunula evvunnude akatabo kano mu lulimi Oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Šawāb].

## Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

**UAN:** ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

**Email:** ✉ translation@dawateislami.net

**Kabaka w'Amajinni**  
Enzivunnulwa mu Luganda eya: 'Jinnat ka Badshah'



**ALL RIGHTS RESERVED**

Copyright © 2016 Maktaba-tul-Madinah

---

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

**1<sup>st</sup> Publication:** Rabi'-ul-Awwal, 1437 AH – (January, 2016)  
**Publisher:** Maktaba-tul-Madinah  
**Quantity:** -  
**ISBN:** -

### **Sponsorship**

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

### **Maktaba-tul-Madinah**

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net - maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

🌐 **Web:** [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
 أَمَا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ  
 عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvunula:

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

**N.B:** Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

## Transliteration Chart

ء	A/a	ڑ	Ř/ř	ل	L/l
ا	A/a	ز	Z/z	م	M/m
ب	B/b	ژ	X/x	ن	N/n
پ	P/p	س	S/s	و	V/v, W/w
ت	T/t	ش	Sh/sh		
ٹ	Ṭ/ṭ	ص	Ṣ/ṣ	ه / ہ / ة	Ĥ/ĥ
ث	Ṣ/ṣ	ض	D/d	ی	Y/y
ج	J/j	ط	Ṭ/ṭ	ے	Y/y
چ	Ch	ظ	Z/z	اَ	A/a
ح	H/h	ع	‘	اُ	U/u
خ	Kh/kh	غ	Gh/gh	اِ	I/i
د	D/d	ف	F/f	و مدّہ	Ū/ū
ڈ	Ḍ/ḍ	ق	Q/q	ی مدّہ	Ī/ī
ذ	Ẓ/ẓ	ك	K/k	ا مدّہ	Ā/ā
ر	R/r	گ	G/g		

## Table of Contents

E Duwa Y’okusoma Ekitabo .....	iii
Transliteration Chart .....	iv

## KABAKA W’AMAJINNI..... 1

Obulungi bwa Ṣalāt-‘Alan-Nabī ﷺ .....	1
1. Kabaka w’amajinni.....	1
Omwagazi omutuufu owa Ghauš-e-A’ẓam .....	3
2. Emitima mu kikonde .....	4
3. Ghauš-e-A’ẓam Nyamba .....	4
Engeri ya Ṣalāt-ul-Ghaušiyah .....	5
Okusaba obuyambi okuva ku balala abatali Allah عَزَّوَجَلَّ .....	6
Sayyidunā ‘Īsā yasaba obuyambi okuva ku balala .....	6
Sayyidunā Mūsā yasaba obuyambi okuva ku bantu be .....	7
Abantu abalongoofu nabo bayamba .....	7
Anṣār kitegeeza ‘Abayambi’ .....	8
Ba Aḥl-ul-Allah balamu .....	8
Ba Nabbi balamu .....	9
Ba Auliyā balamu.....	9
Imām-e-A’ẓam yasaba obuyambi okuva ku Nabbu Omutukuvu ﷺ .....	9
Imām Būširī yasaba obuyambi .....	10
4. Akadomola kakyuuka nekatunula mu Qiblah .....	11
Kuuma akadomola nga katonula mu Qiblah .....	11
Ekyafaayo ekikwaata kw’oyo eyali atuula nga atunula mu Qiblah .....	11
Ebimuli 13 ebya Madanī ebikwaata ku kutuula ng’otonudde mu Qiblah .....	12
Aḥādīš ssatu eza Nabbi Ow’ekitiibwa ﷺ .....	12
Eddagala lya Baghdādi .....	15
Ekyewunyisa ekya Madanī eky’eddagala lya Baghdādi .....	16
Eddagala lya Jilāni.....	17

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
 أَمَا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## KABAKA W'AMAJINNI

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitababo kano okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omemba obukodiyo bwa Shaytan. *إِنَّمَا أَعُوذُ بِاللَّهِ عَزَّوَجَلَّ*, obukkirizabwo buja kuzibwa obujja.

### Obulungi bwa Şalât-'Alan-Nabi ﷺ

Nabbi wa Raḥmaḥ, Omuwolerezi wa Ummaḥ, Nanyini Jannaḥ *صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ* yagamba, 'Oyo yenna ansaalira Şalât emirundi bibiri ku lunaku lw'okutano, ebibi bye eby'emyaaka bibiri bija kusonyyizibwa.' (*Jam'-ul-Jawāmi'-lis-Suyūṭī, Vol. 7, p. 199, Ḥadīṣ 22353*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### 1. Kabaka w'amajinni

Abū Sa'd 'Abdūllāḥ bin Aḥmad yagamba, 'Lumu, muwala wange Fāṭimaḥ waggulu w'enyumba yange. Nanakuwala nnyo era nengenda mu maaso ga Sulṭān-ul-Auliya, Shaykh Ghaus-e-A'zam *رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ* nemusaba obuyambi. Ye *رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ* yagamba, 'Genda mu Karkh (ekibuja ekimu) otuule mu kifo ekyewawulide ekiro okole olukomera lw'omwoyo (i.e olwetoloovu) okukwetoloola.

Soma بِسْمِ اللّٰهِ ate ondowoozeeko. Mu kiro, ebibinja ny'amajinni bija kukuyitako. Feesi z'ago zija kuba mpya gyoli naye totlya kintu kyonna. Mu kaseera ka Fajr, kabaka w'amajinni ajakuja gyooli era akubuuze kiki ky'oyagala. Mugambe, 'Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالَى عَلَيْهِ' ansiindise okuva mu Baghdad ate olina okunyamba okunoonya muwala wange abuze.'

Nolw'ekyo, nayolekera Karkh nengoberera ebiragiyo bya Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Mu busirifu bw'ekiro, amajjini ag'entiisa mangi gampitako kumpi n'ekikomera kyange. Feesi z'ago zaali zitiisa nnyo era nga sisobola kugatunuulira. Mu kiseera kya Fajr, kabaka w'Amajinni yaha nga alinye embalaasi n'Amajinni amalala mangi. Yasigala wabweeru w'olukomera era nambuuza kiki kyennali njagala. Nagamba nti Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali ansindise gyali.

Bweyawulira kino, yava ku mbalaasi natuula wansi ku ttaka. Amajinni amalala nago gaakola kyekimu era negatuula wansi ewabweeru w'olukomera. Namutegeeza ekibi ekyaali kituuse ku muwala wange. Kabaka w'Amajinni yalaangirira mu majinni, 'Ani eyawambye omuwala?' Mu kaseera katono, ejinni Elikyaayina lyawambibwa nerireetebwa nga elivunanyizibbwa. Kabaka yabuuza, 'Lwaaki wawambye omuwala okuva mu kibuga kya Quṭb<sup>1</sup> w'ebiseera bino?' Ejinni Elikyaayina lyakaankana neliddamu, 'Ow'ekitiibwa! Namwagalirawo bwennamulaba.' Kabaka yalagira batemeko omutwe gw'ejinni Elikyaayina ate nanziriza muwala wange.

Nga nnebaza Kabaka, nagamba, 'مَا شَاءَ اللّٰهُ عَزَّوَجَلَّ' Olimwagazi nnyo owa Shaykh Ghauš-e-A'zam.' Yaddamu: Ndayira Allah عَزَّوَجَلَّ, Ghauš-e-

<sup>1</sup> Quṭb yemuntu ali ku ddaala elyawaggulu mu by'omwooyo.

A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ bwatutunuulira, amajinni gonna gatandika okukaankana. Allah عَزَّوَجَلَّ bw'aloonda Quṭb, amajini gonna n'abantu galagirwa okumugondera.” (*Bahjat-ul-Asrār, p. 140*)

## Omwegazi omutuufu owa Ghauš-e-A'zam

Omuntu omu yayogera ekyafaayo kimu ekyaliwo mu Kutiyana (Gujarat, India), ekyaaalo lyensibuko ya Sag-e-Madīnah عُقْبَى عَنْتَه (omuwandiisi). Waaliwo omusajja mu Kutiyana eyali ayagla ennyo Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ era nga amwegomba nnyo. Yali akuza Giyārḥwīn lubeerera. Empisa ye endala ennungi yali nti awa ekitiibwa eri ba Sayyid<sup>1</sup>. Yaliwakisa nnyo era nga alabirira ba Sayyid abato era nga abasitula, n'abagulira ne swiiti.

Bweyafa nazingibwa mu ssaanda, abantu bajja okukungibaga naye omwegazi wa Ghauš-e-A'zam yajawo essaanda ye natuula. Abantu batya nnyo era nebakankana. Yawoggana, ‘Temutya, mu mpulirize buwuliriri!’ Abantu bwebaseembera yagamba, ‘Mbagamba amazima nti kati Murshid<sup>2</sup> wange, Shaykh ‘Abdul Qādir Jīlānī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yampadde omukisa gw’okuja gyendi era yagambye, ‘Oli mugoberezi wange naye wafude tewenenyezza! Golokoka wenenye!’ Omwooyo gwange gwaddamu mu mubiri gwange nsobole okwenenya.’ Oluvanyuma lw’okwogera ebyo, yenenya ebibi bye nasoma, Kalimah<sup>3</sup>. Mangu ddala, omutwe gwe gwadda kuluda n’afa.

Bajaganye abo abagazi n’abagoberezi ba Ghauš-e-A'zam kubanga Sulṭān wa Baghdad yagamba, ‘Omugoberezi wange, kabeere mu kozi wabibi bitya, tajakufa nga teyenenyezza.’ (*Bahjat-ul-Asrār, p. 191*)

<sup>1</sup> Abava mu lulyo lwa Nabbi ﷺ

<sup>2</sup> Shaykh olungamya mu ny’omwooyo

<sup>3</sup> Enjayula y’obukkiriza

## 2. Emitima mu kikonde

Shaykh ‘Umar Bazār رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, “Ku Jumah emu, nnali ngenda ku Masjid ne Ghauš-e-A’zam رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ.

Nalwooza nti sikyabulijo nti buli bwenagendanga ku Masjid ku Jumah ne Murshid wange, abantu bakungananga nebamwetoolola okumutoolera Salām oba okumubuuza n’engalo zabwe ate nga kifuuka kizibu okweyongera okutambula: naye leero, tewali amulwooza nako. Mangu ddala nga ekirowoozo kino kize mu bwoongo bwange, Ghauš-e-A’zam رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yantunuulira namweenya.

Mangu ddala, abantu batandika okudduka okumubuuza nga banyenya naye engalo oyo Sultān wa Baghdad. Waaliwo abantu bangi nnyo era baneyawulira ku Murshid wange رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Kati nalwooza nti kyaali kisingako ekyaaliwo ku lubereberye. Bwekyajja mu ndowooza yange, ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Owange ‘Umar! Ggwe eyali ayagadde ekibinja ky’abantu. Tomanyi nti emitima gy’abantu jiri mu kikonde kyange! Bwemba njagala, nteeka emitima gy’abwe okukyuuka gidde gyendi ate bwenjagala ngikyuusa negida ewalala.

*(Bahjat-ul-Asrār, p. 149)*

*Kunjīyān dil kī Khudā nay tujhay din aīsī kar,*

*Ke yēh sīnā hō mahabbat ka khazānah tayarā*

*Allah yateeka ebisumuluzo by’emitima mu mukono gwo  
N’okwagala kwo wamu n’okwegoomba, gumya emitima*

## 3. Ghauš-e-A’zam Nyamba

Shaykh Bishr Qarzī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Lumu nnali ntambula n’ekibinja ky’abasuubuzi nga tulina engamiya 14 ezijjude ebisawo bya sukaari. Fffena twasimba enkaambi mu kibira ekyaali kitiisa

ennyo mu kiro ekyo. Mu kitundu ky'ekiro ekyasooka, engamiya zange nnya ezaali zitikiddwako emigugu zaabula. Tetwaasobola ku zisanga newankubadde twazinoonya nnyo. Ekibinja ky'abasuubuzi kyagenda nekindekawo. Omulabirizi w'engamiya yange naye yasigala nange.

Amakya agaddako, najjukira nti Murshid wange, Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali yangamba, 'Buli lwobeera n'ekizibu oba ennaku, mpita; إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ ojakuwonyezebwa obuzibu obwo.' N'olwekyo, nayita nga nsaba obuyambi nga ngamba, 'Ya Shaykh 'Abdul Qādir! Engamiya zange zibuze!' Mangu ddala, nnalaba omulongoofu, eyali ayambadde engoye enjeru, ng'ayimiridde ku kasozi akaali ebuvanjuba. Omulongoofu oyo yalagiriza era nentandika okugenda gyeyali. Bwenamusemberera wamu n'omulabirizi w'engamiya zange, yabulawo. Twatandika okutunulayunula wano newali nga abazabuziddwa. Amangu ddala, twalaba engamiya zaffe ennya ezaali zibuze nga zitudde wansi w'akasozi. Twazikwaata netwegata ku kibinja ky'abasuubuzi.' (*Bahjat-ul-Asrār, p. 196*)

## Engeri ya Ṣalāt-ul-Ghauṣiyyah

Shaykh Abū Al-Ḥassan 'Alī Khabbāz رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ bweyabuulirwa ku kyafaayo ky'engamiya ezaali zibuze, yagamba nti Shaykh Abū Al-Qāsim رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yamugamba nti yawulira Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ng'amba: Oyo ampita okumuyamba ng'ali mu buzibu bwonna, ajakutaasibwa okuva ku buzibu obwo. Oyo ampita ng'ali mu kizibu, ajakauwonyezebwa okubonaabona kwe. Oyo asaba Allah عَزَّوَجَلَّ ekintu kyonna ng'akozesa erinya ly'ange, ekyetago kye kijakumalibwa.

Omuntu asaala Rak'at bbiri eza Nafl Ṣalāh ate mu buli Rak'at n'asoma Sūrah Ikhlas emirundi 11 olubanyuma lwa Sūrah Fātiḥah ate ng'amaze okutoola Salām, n'asindika Ṣalāt me Salām eri Nabbi

Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ era oluvannyuma nataambula ebigere 11 n'ayolekera eri ekibuga kya Baghdad era n'ampita erinya lyange era nasaba okumala kw'ekyetaagokey, إِنَّ سَاءَ اللَّهُ عَذَابًا يَكْفِيكَ (Bahjat-ul-Asrār, p. 197)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Okusaba obuyambi okuva ku balala abatali Allah عَزَّوَجَلَّ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Oluvanyuma lw'okusoma ebyafo bino, oyinza okulowooza nti tulina kusaba buyambi kuwa wa Allah عَزَّوَجَلَّ yekka ate sikumulala okujako ye kubanga Allah عَزَّوَجَلَّ bw'aba ng'alina amanyi ag'enkomeredde okuyamba, lwaki tusaba abalala okutuyamab? Kano kakodiya kabi nnyo aka Sitaani k'akozesezza okubuza abantu bangi. Amazima gali nti Allah عَزَّوَجَلَّ tatuziyizza kusaba buyambi kuwa kubalala, Laba mu Quran Entukuvu Allah عَزَّوَجَلَّ mwatukkirizza, mu ayah ez'enjawulo, okusaba abalala obuyambi. Amazima gali nti, newankubadde Oyo Eyemalira, Allah عَزَّوَجَلَّ yekennyini akubirizza abaddube okuyamba eddiini ye. Kiwandikiddwa mu Quran Entukuvu:

إِنْ تَنْصُرُوا اللَّهَ يَنْصُرْكُمْ

'Bw'oyamba eddiini ya Allah, Ye ajakuyamba.'

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 26, Sūrah Muhammad, Verse 7)

### Sayyidunā 'Īsā yasaba obuyambi okuva ku balala

Sayyidunā 'Īsā عَلَى تَبِيِّنَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ yasaba abagoberezi be obuyambi. Kiwandikiddwa mu Quran Entukuvu:

قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ لِّلْحَوَارِيِّينَ  
مَنْ أَنْصَارِيَّ إِلَى اللَّهِ قَالُوا الْحَوَارِيُّونَ نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ

*'Isa mutabani wa Mariamu yagamba abagoberezi be, "Ani ananyamba, ng'abeera ku ludda lwa Allah?" Abagoberezi baddamu, "Efe tuli bayambi ba ddiini ya Allah."*

*[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 28, Sūrah Şaf, Verse 14)*

## Sayyidunā Mūsā yasaba obuyambi okuva ku bantu be

Sayyidunā Mūsā عَلَى نَبِيِّنَا وَ عَلَيْهِ السَّلَامُ bweyalagirwa okugenda eri Fir'awn okumubuulirira, yayogera ebigambo bino ng'asaba Allah عَزَّوَجَلَّ amuwe obuyambi bw'omuntu:

وَاجْعَلْ لِي وَزِيرًا مِّنْ أَهْلِي ﴿٢٩﴾ هُرُونَ أَخِي ﴿٣٠﴾ أَشَدُّ بِهِ أَرْرَمِي ﴿٣١﴾

*'Ate nondera omumyuuka okuva mu famile yange. Y'ani? Hārūn (عليه السلام), muganda wange. Gumya omugongo gwange ng'okozesa ye.*

*[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 16, Sūrah Tāhā, Verses 29-31)*

## Abantu abalongoofu nabo bayamba

Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba mu kifo ekirala:

فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ مَوْلَاهُ وَجِبْرِيْلُ  
وَصَالِحِ الْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمَلٰٓئِكَةُ بَعْدَ ذٰلِكَ ظٰهِيْرُوْنَ ﴿٤٠﴾

*'Era mazima Allah Muyambi we, ne Jibrāil n'abakkiriza Abalongoofu nabo bayambi be; ate oluvanyuma ba malayika basindikibwa okuyamba.'*

*[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 28, Sūrah Tahrīm, Verse 4)*

## Anṣār kitegeeza 'Abayambi'

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye! Quran Entukuvu elangirira ddala nti Allah عَزَّوَجَلَّ mazima ye Muyambi, naye ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, Jibril عَلَيْهِ السَّلَامُ n'abantu abali okumpi ne Allah عَزَّوَجَلَّ (ba Nabbi عَلَيْهِمُ السَّلَامُ ne ba Awliyah, ne ba malayika bayamba. إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ, kati wasiwasi wa Sitaani nti teli n'omu ayamba okujjako Allah عَزَّوَجَلَّ alina okuba nti ajidwawo. Ekyewunyisa ennyo eky'amazima kiri nti abantu abasenguka nebayingira Madīna-tul-Munawwarah̄ okuva e Makka-tul-Mukarramah̄ bayitibwa ba Muḥājir (Ba Sahaabah Abasenguka) ate abakkiriza ababayamba bayitibwa Anṣār (Ba Sahaabah Abayambi) Buli muntu omutegeevu amanyi nti amakulu ga Anṣār gategeeza 'Abayambi.'

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Ba Aḥl-ul-Allah balamu

Kisoboka Sutaani okuteeka omuntu okulowooza nti kikkirizibwa okusaba obuyambi okuva ku muntu omulamu naye si nga mufu. Bw'osoma ayaah eno n'obwegendereza ate n'omusomo oguddako, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ endowooza eno embi ejakuvaawo. Kigambiddwa:

وَلَا تَقُولُوا لِمَنْ يُقْتَلُ

فِي سَبِيلِ اللَّهِ أَمْوَاتٌ ۗ بَلْ أَحْيَاءٌ ۗ وَلَكِنْ لَا تَشْعُرُونَ ﴿١٥٣﴾

*Ate temwogera kw'abo abatiddwa mu kkubo lya Allah nti 'bafu'; eky'amazima balamu, naye mmwe abatamanyi.*

*[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 16, Sūrah Baqarah, Verse 154)*

## Ba Nabbi balamu

Bwekiba nga kino kitendo ky'abajulizi, olwo butya omuntu bw'abu usabuusa eky'amazima nti ba Nabbi عَلَيْهِمُ السَّلَامُ, ab'eddaala ely'a waggulu okusinga abajulizi, nti nabo balamu! Shaykh Imām Bayḥaqī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yawandiika akatabo ku bukamu (*Ḥayāt-ul-Anbiyā*) bwa ba Nabbi عَلَيْهِمُ السَّلَامُ ate awandiise mu *Dalāil-un-Nabūwwah* nti ba Nabbi عَلَيْهِمُ السَّلَامُ balamu nga abajulizi ate bali ne Allah عَزَّوَجَلَّ. (*Al-Ḥāwī-lil-Fatāwā, Vol. 2, p. 263; Dalāil-un-Nubūwwah, Vol. 2, p. 388*)

## Ba Auliya balamu

Shaykh Shāḥ Waliyullāḥ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yayogera ku ddaala ely'awaggulu elya Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ mu mulyango gwa 11 ogwa Ḥam'at. “Nti ye Shaykh Muḥiyuddīn ‘Abdul Qādir Jilānī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ate ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ alina obuyiinza mu kabburi ye ey'emikisa nga abalamu (i.e. ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ wabuyinza nga abalamu)

(*Ḥam'at, p. 61*)

Mu ngeri yonna, ba Nabbi عَلَيْهِمُ السَّلَامُ ne ba Awliyah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى balamu ate tetusaba buyambi okuva ku bafu wabula okuva kw'abo abalamu ate tukkiriza nti bayambi ku lw'ekisa kya Allah عَزَّوَجَلَّ. Awatali kuwebwa kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, Nabbi oba Wali (Omulongoofu) tayinza kuwa kintu kyonna yadde buyambi bwa ngeri yonna.

## Imām-e-A'zam yasaba obuyambi okuva ku Nabbu

### Omutukuvu ﷺ

Imām w'obukade bw'abagoberezi ba Mazhab ya Ḥanafī, Shaykh Imām-al-A'zam Abū Ḥanīfah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ asaba obuyambi okuva ewa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, mu 'Qaṣīdah-e-Nu'mān:'

يَا أَكْرَمَ الثَّقَلَيْنِ يَا كَنْزَ الْوَرَى  
جُدِّي بِجُودِكَ وَأَرْضِي بِرِضَاكَ  
إِنِّي حَنِيفَةٌ فِي الْأَنَامِ سِوَاكَ  
أَنَا طَامِعٌ بِالْجُودِ مِنْكَ لَمْ يَكُنْ

‘Owange ggwe asinga amajinni n’abantu ate ng’oli kyabugaga ekitukuvu eky’omuweendo nnyo ekyaali tekibeerangawo! Buli Allah عَزَّوَجَلَّ, kyeyali akuwadde, mpaako ebimu ku bbyo! Ate Allah عَزَّوَجَلَّ akutatde ng’oli musanyufu nnyo; nange nteeka mbeere musanyufu kubanga ndi mwetaavu wabugabi bwo, Abū Ḥanīfah talina mulala yenna kungsi okujjako ggwe.’

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Imām Būṣirī yasaba obuyambi

Shaykh Imām Sharaf-ud-Dīn Būṣirī رَحِمَهُ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ asaba obuyambi okuva eri Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ mu ‘Qaṣīdah-e-Burdaḥ’ emnayiddwa ennyo era yagamba:

يَا أَكْرَمَ الْخَلْقِ مَالِي مَنْ أَلُوذُ بِهِ  
سِوَاكَ عِنْدَ حُلُولِ الْحَادِثِ الْعَبِيمِ

‘Owange ggwe, asinga obulungi mu Bitoonde byonna! Sirina mulala yenna okujjako ggwe, gwenyiza okwesigamira, mu biseera eby’obuzibu. (Qaṣīdah-e-Burdaḥ, p. 36)

Imdādullāh Muḥājir Makkī رَحِمَهُ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yasaba obuyambi mu kitoontome kye ekiyitibwa ‘Nālah-e-Imdād.’

Lagā takyahḥ gunāḥaun kā paṛā din rāt sautā hūn

Mujḥay khuwāb-e-ghaflat say jagā do Yā Rasūlallāh ﷺ

Nsigala nnebase emisana n’ekiro nga mpumulide ku pilo y’ebibi  
Nzuukusa okuva mu kirooto eky’obubuyabuya

Yā Rasūlallāh ﷺ

#### 4. Akadomola kakyuuka nekatunula mu Qiblah̄

Lumu, ekibinja kya ba Awliyah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى okuva mu Jilān kyakyaala ewa Shaykh Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى nebalaba nti akadomola ke (ak'okufuna wuzu) kaali tekatunudde mu Qiblah̄ (era nebateggeza Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى kw'ekyo).

Ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى yatunuulira omukozi n'obusungu eyali tayinza kuwanirira bunene bwakutunula kwa Shaykh era yakankana okutuusa bweyafa. Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى oluvanyuma yatun uulira akadomola era akadomola kennyini kakyuula nekatunula mu Qiblah̄. (*Bahjat-ul-Asrār, p. 101*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

#### Kuuma akadomola nga katunula mu Qiblah̄

Abange abagazi ba Sulṭān wa Baghdad! Tewali kubuusabuusa, okwagala okw'enkomeredde kwekugoberera buli kikulwa kky'abo betwegoomba oba betwagala okufaanana. Nolw'ekyo, bwekiba kisoboka, tulina okukuuma akadomola ketukozesa okufuna Wuzu okutunula mu Qiblah̄. Muḥaddiṣ-al-A'zam Pakistan Maulānā Sardār Aḥmad Sahib رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى yali akuuma akadomola ke ne siripa ze nga zitunula mu Qiblah̄. نَزِعَ اللَّهُ عَذْرَاءَ نَزِيحًا، Nze, Sag-e-Madīnāh عَفَى عَنْهُ (omuwandiiisi) ngezaako nnyo okugoberera mu bigere by'abalongoofu bombiriri nga nkuuma akadomola n'esiripa nga bitunula mu Qiblah̄. Eky'amazima, njagala okuteeka buli kimu nga kitunula mu Qiblah̄.

#### Ekyafaayo ekikwaata kw'oyo eyali atuula nga atunula mu Qiblah̄

Abagalwa ab'olugand abasiraamu! Bwekiba kisoboka, tulina okufuna empisa y'okutunula Qiblah̄ kubanga mulimu emikisa mingi mu

kukikola. Shaykh Imām Burhānuddīn Ibrāhīm Zarnūjī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba: Abayizi babiri bagenda okufuna okumanya kw'ed diini. B'ombi baali mu kibiina ky'ekimu, bwabadda ewaka, omu ku bbo yali afuuse omumanyi omukeenkufu ennyo mu kulamula k'weddiini naye ate omulala nga yasigala talina ky'amanyi.

Abamanyi abanene mu kibuga ekyo batandika okufumiitiriza ku nsonga. Okwekenenya okw'okwegenderera bwekwakolebwa ku ngeri zabwe ez'okuyiga, empisa z'okusoma, okunyumya, empisa z'okuuula etc. bwebya tunulwaamu, bewunya nnyo okusanga nti omuyizi eyali afuuse omumanyi omukenkufu yali alina omuze gw'okutunula mu Qiblah̄ buli lwe yali ng'atudde naye oli omuyizi omulala yatuula nga n'omugongo gwe nga gwe gu tunudde mu Qiblah̄.

N'olwekyo, abamanyi n'abalamuzi ab'ebitiibwa bakiriziganya nti oyo eyali asimiddwa eyafuna omukisa yafuuka omumanyi ku lw'emikisa gy'okutunula mu Qiblah̄ kubanga kya Sunnah̄ okukikola. (*Ta'līm-ul-Muta'allim, p. 68*)

## Ebimuli 13 ebya Madanī ebikwaata ku kutuula ng'otunudde mu Qiblah̄

1. Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yali atuula ng'atunude mu Qiblah̄. (*Ihyā-ul-'Ulūm, Vol. 2, p. 449*)

### Ahādīš ssatu eza Nabbi Ow'ekitiibwa ﷺ

- ❖ Olukungana olusinga obulungi mu nkungana lw'elwo abetabi mwebatuula nga batunude mu Qiblah̄.

(*Mu'jam Awsaf, Vol. 6, p. 161, Ḥadīš 8361*)

- ❖ Buli kimu kirina ekitiibwa kyaakyo ate okutuula kulina ekitiibwa mu kutunula mu Qiblah̄.

*(Mu'jam Kabīr, Vol. 10, p. 320, Hadīṣ 10781)*

- ❖ Buli kimu kirina eky'etteendo kyakyo ate enkungaana zirina etteendo mu kutuula ng'otunudde mu Qiblah̄.

*(Mu'jam Awsaṭ, Vol. 2, p. 20, Hadīṣ 2354)*

2. Kya Sunnah̄ eri ba Muballighīn oba abasomesa okubeera n'emigongo gy'abwe nga gitunude mu Qiblah̄ okusobozesa abawulirizi (abayizi) okutuula nga batunula mu Qiblah̄. Nab wekityo, Shaykh Hāfiẓ Sakhāwī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, “Ensonga lwaki Nabbi Ow'emikisa era Omugabi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yateeka omugoongo gwe okutunula mu Qiblah̄ yali ya kukiriza abetabi okutunula mu Qiblah̄.” *(Al-Maqāṣid-ul-Ḥasanah̄, p. 88)*
3. Sayyidunā ‘Abdullah̄ bin ‘Umar رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yatuula nga ng'atu nudde mu Qiblah̄. *(Al Adāb al Mufrad, p. 291, Hadīṣ 1137)*
4. Bwoba ng'osomesa Quran Ey'ekitiibwa, olina okutuula ng'omogoongo wo gutunude mu Qiblah̄ n'okunuyirira okugo berera Sunnah̄ ey'emikisa. Abasomesa ba Dars-e-Nizāmī balina okukola kyekimu n'okunuyirira kwa Sunnah̄ era n'okuso bozesa abayizi okutunula mu Qiblah̄. Somesa abayizi e-Sunnah̄, filosofe, n'okunuyirira kw'okutuula mu ngeri eno era ofune empeera n'emikisa. Gezaako okutuula ng'otunude mu Qiblah̄ bwoba nga tosesa.
5. Abayizi b'eddiini balina okutuula nga batunude mu Qiblah̄ basobole okutunulira omusomesa bwekitaba ekyo kiyinza okubeera ekizibu eri bbo okutegeera [omusomo].

6. Kya Sunnah̄ eri Khātīb okubuulirira nga omugongo gwe gutu nude mu Qiblah̄ ate kirungi eri abawulirize okutuulira Khatīb.
7. Bwoba ng'osoma Quran Entukuvu, ebitab by'eddiini, ng'owandiika Fatawā, ng'okunganya oba n'gowandiika ebitabo, ng'osaba edduwa, ng'okola Žikr, ng'osoma Šalāt ne Salām, oba okutwaliza awamu buli bw'oba ng'otuula wansi oba ng'osituka, bwewaba nga tewali kikuziyiza eky'eddiini, gezaako okufuna omuze gw'okutunula mu Qiblah̄ essaawa yonna era ofune empeera nyingi. (Bwoba ng'oli mu diguri 45 eza Qiblah̄ ojakubalibwa ng'atunudde mu Qiblah̄).
8. Bwekiba kisoboka, teeka emmeeza, entebe etx nga butunula mu Qiblah̄ obeere nga buli bwotuula, otunula mu Qiblah̄.
9. Bwotuula ng'otunudde mu Qiblah̄ nga tonuyiridde kufunamu mpeera olwo tojakufunamu mpeera, nolwekyo olina okukola Niyyat enungi; okugeza: (i) okufuna ebirungi bya Akhirat, (ii) okugoberera eSunnah̄, (iii) Ntunulide Ka'bah̄ imu kujiwa ekitiibwa n'okujigulumiza. Bwoba ng'osoma ebitabo by'obusiraamu n'emisomo gy'obusiraamu olina okuteeka Niyyat eno nayo nti ng'okolera ku Sunnah̄ y'okutunula mu Qiblah̄ ey'emikisa, njakufuna emikisa gy'okumanya kw'eddiini  
 إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ
10. Mu nsi nyingi nga, Pakistan, India, Nepal, etc. buli lw'otunula mu Qiblah̄, era oba otunudde mu Madīnah̄ Munawwarah̄ [nga bwe biri mu ndagiriro y'emu]. Nolwekyo Niyyat y'okutunula mu Madīnah̄-tul-Munawwarah̄ okuwa ekitiibwa nayo erina okubeerawo.

*Baith̄nay kā ḥasīn qarīnah̄ ḥay*  
*Rukh udh̄ar ḥay jidh̄ar Madīnah̄ ḥay*  
*Dono 'ālam kā jo nagīnah̄ ḥay*

*Meray Āqā kā woḥ Madīnāḥ ḥay*  
*Rū barū mayray Khāna-e-Ka'bah*  
*Aur afkār mayn woḥ Madīnāḥ*

*Engeri enungi ennyo mu kutuula y'eri ng'otunude mu Madīnāḥ ey'ebbeeyi ennyo mu nsi z'ombi i.e ekibuga kya Mukama wange, Madīnāḥ. Mu maaso gange waliwo ate ebirowoozo byange biri mu Madīnāḥ.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Eddagala Iya Baghdādi

(Obukuumi obutangira okuva ku buyinike/okubonaabona okumala  
 (إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ)

Mu kiro kya 11<sup>th</sup> ekyā Rabi'ul-Ghauṣ (omwezi ogwa 4<sup>th</sup> mu kalenda y'obusiramu), soam amannya 11 aga Shaykh Ghauṣ-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ (Soma Ṣalāt-'Alan-Nabī emirundi 11 mu ntandikwa ne ku nkomerero) ne Niyyat y'okusigala ng'oli mu mirembe okuva ku buyinike bwonna okumala omwaaka mulamba, fuuwa omuka gw'omukamwa ku ntende 11 ate ozirye mu kiro ekyo ky'ekimu. Obukuumi buja kubaawo okuva ku buyinike bwonna (إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ) ok umala omwaaka mulamba. Amanya 11 gateredwawo wano [wansi]:

يَا سَيِّدُ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	2.	يَا شَيْخَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	1.
يَا مُحَمَّدُومُ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	4.	يَا مَوْلَانَا مُحَمَّدٍ الدِّينِ	3.
يَا حَوَاجَةَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	6.	يَا دَرَوَيْشَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	5.
يَا شَاهَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	8.	يَا سُلْطَانَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	7.
يَا قُطْبَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	10.	يَا عَوْثَ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	9.
		يَا سَيِّدَ السَّادَاتِ عَبْدَ الْقَادِرِ مُحَمَّدٍ الدِّينِ	11.

## Ekyewunyisa ekya Madanī eky'eddagala lya Baghdādi

Mu bumpimpi bw'okwogera kw'owoluganda omusiraamu kuli bwekuti: Ijtima' yategekebwa Dawat-e-Islami ku mukolo gwa 11<sup>th</sup> Rabi'-ul-Ghauš, 1425 A.H. (2003).

Mu bayān eyagazisa eSunnah, eddagala lya Baghdādi lyasomesebwa. Oluvanyuma lwa Bayān, ab'oluganda abasiraamu bayingizibwa mu Silsila ya Qādiriyyah Razawīyyah. Mu kaseera mbagirawo, nawulira ng'asumagira. Bwenagalawo amaaso gange, nalaba Shaykh Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ng'atudde ne ffeesi entangaavu ate nayanjuluza Chadar ye (olugoye olubikirira). Nakwaata ku Chadar eyo nempulira nti bangi abalala nabo baali bajikwatiride naye nail sisobola kubalaba yade n'omu ku bbo! Naddamu ebigambo by'okufuuka omugoberezi. Okuyingirizibwa Silsila bwe kwaggwa, Nasaba Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ: 'Mukyaala wange ali mu bisa era alumizibwa nnyo. Omusawo agambye bamulongoose; nkusaba ontaase okuva mu kunakuwala kuno.' Yaddamu, 'Kolera ku ddagala lya Baghdadi.' Nabuuzza n'obwetowaze, 'Murshid wange omwagalwa! Ekiseera kiyise nnyo kubanga eddagala lya Baghdādi liyina okumalibwa mu kiro.' Yamala naddamu, 'Okirizibwa oku likolerako emisana, ng'emisana gy'olunaku teginaba kugwaawo era إِنَّ شَاءَ اللهُ عَزَّوَجَلَّ ojakufuna abaloongo ng'omukyala wo talungoseddwa. Abaana bo batuume amanya Ḥassān ne Mushtāq mu ngeri eyo. Bombi bajakubeera wansi w'obukuumi bwange.' Nnakola nga bwenalagirwa era nateeka mulyaala wange alye enteende 11 mu ngeri eyo.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Okwanukulwa kwatuukawo mangu ddala era obulumi bwawaawo nebulurawo mpagirawo. Olwo nno, mu kaseera akagereke, yazaala awataali buzibu bwonna. Ndayira nti naweebwa abaloongo nga Ghauš-e-A'zam رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ bweyali angambye ate nabatuuma amanya Ḥassān ne Mushtāq mu ngeri eyo.

## Eddagala Iya Jilānī

Twaala enteende 3 ku miro kya 11<sup>th</sup> Rabīʿ-ul-Ghauṣ; soma Sūrah Fātiḥah omulundi gumu, Sūrah Ikhlās omulundi gumu, olwo nno osome:

يَا شَيْخَ عَبْدِ الْقَادِرِ جِيلَانِي شَيْئًا لِلَّهِ الْمَدَدُ

(Ṣalāt-ʿAlan-Nabī omulundi gumu ku ntandikwa ne ku nkomerero) ate ofuuwe omukka gwʼakamwa ku nteende emu. Ddamu okusoma okwo ku enteende eza 2<sup>nd</sup> ne 3<sup>rd</sup> mu kugoberezeganya okwo. Sikyat teeka okulya enteende ezo mu kiro kyekimu. Enteende zino ziyinza okuliibwa essaawa yonna ate ku lunaku lwonna. إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. Kijakuweweeza endwadde zʼolubuto zonna ngʼolubuto okuluma, olubuto okwesiba, emoewo, alusa, okusesema, etc.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekebwa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimibwa kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujjuzaamu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

**Ekirubirirwa kyange ekya Madani:** “Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, **إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.” Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** **إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.



www.dawateislami.net



MC 1286

Alami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net